**Katonda n'Obuganda** **Omwoyo gumu n'emmeme emu**

# MUNNO

## OMUBULIZI OWE BUGANDA

MUWENDO 1 — Akatabo ka buli mwezi mu luganda — Registered at Government Office, Entebbe. — MWAKA 1

Buli ayagala okugula MUNNO okumufunanga buli mwezi, awandiśa erinnya lye mu Kifo ky'ssomeramu.

MUNNO agula Rupia 1, buli mwaka. Akatabo akamu kagula Cents 10. *Mu Bifo byafe byokka*

## KALENDARIO YA JANUARY

1 lwa D *Okulayirirwa kwa Mukama wafe Y. K.*— **M. Fulgensio**, *mwep.* — **M. Almakio**, *muj.* — **M. Odilone**, *muk. wa bamon.*— **M. Ufrazina**, *mub. muj.*

2 « 2 **M. Narsisio**, *mulenzi muj.* — **M. Marselino**, *mul. muj.* — **M. Makario**, *mwal.*

3 » 3 **M. Genovefa**, *mub.* — **M. Anteri**, *papa muj.* — **M. Florensio**, *mwep. muj.*

4 » 4 **M. Teodoto**, *muj.* — **Dafraza**, *muj, mub.* **M. Benedikita**, *mub. muj.*

5 » 5 *Vijili ya Epifania.*—**M. Telesforo**, *pap. muj.*— **M. Simeone Sitelito**, *mumon,*

6 » 6 *Epifania ya Mukama wafe Y. K.*— **M. Melanio**, *mwep.* **M. Makra**, *mub.* muj,

7 » 7 **M. Krispino**, *mwep.*— **M. Lusiano**, *mus. muj.*

8 » D **M. Teofili**, *diak. muj.*— **M. Salvio**, *muj.* **M. Gudula**, *mub.*

9 » 2 **M. Marsiana**, *mub. muj.*— **M. Revokato**, *muj;*

10 » 3 **M. Nikanori**, *diakon. muj.*— **M. Agatone**, *papa muj.*

11 » 4 **M. Igini**, *papa muj.*— **M. Onorata**, *mub.* **M. Teodozio**, *mukulu wa bamon.*

12 » 5 **M. Zotisio**, *muj.*— **M. Alfredi**, *mukulu wa bamon.*—**M. Alkadi**, *muj.*

13 » 6 **M. Veronika**, *mub.*— **M. Pontisio**, *muj.*

14 » 7 **M. Ilario**, *mwep.*— **M. Feliksi**, *musas. muj.*—**M. Ufrazio**, *mwep.*—**M. Makrina**, *mub.*— **M. Malakia**, *munabi.*

15 » D *Erinnya ettakatifu lya Mukama wafe Y. K.*— **M. Paolo**, *mwal.*— **M. Moro**, *mumon.*— **M. Sekondina.** *mub. muj.*

16 » 2 **M. Marselo**, *papa muj.* — **M. Berardo**, *muj.*— **M. Prisilla**, *mub.*

17 » 3 **M. Antonio**, *mukuru wa bamon.*— **M. Sulpisio**, *mwep.*

18 » 4 **Entebe ya M. Petro e Roma.**— **M. Priska**, *mub. muj.*— **M. Liberata**, *mub. muj.*

19 » 5 **M. Kanuti**, *kab. muj.*— **M. Mario**, *muj.* **M. Germaniko**, *muj.*— **M. Germano**, *muj.*

20 » 6 **M. Fabiani**, *papa muj.*— **M. Sebastiano**, *muj.*— **M. Neofito**, *muj.*

21 » 7 **M. Anyese**, *mub. muj.*— **Publio**, *mwep.* **M. Epifanio**, *mwep.*

22 » D **M. Vinsensio**, *diak. muj.* — **M. Anastazio**, *muj.*— **Ekika ekitakatifu.**

23 » 2 **Okwogerezebwa kwa B. M.**— **M. Emerensiana**, *mub. muj.*— **M. Ildefonse**, *mwep.*

24 » 3 **M. Timote**, *mwep. muj.*— **M. Felisiano**, *mwep. muj.*— **M. Urbano**, *muj.*

25 » 4 **Okukyusibwa kwa M. Paolo**, *omutume.* **M. Anania**, *muj.*— **M. Projecto**, *muj.*

26 » 5 **M. Polikarpo**, *mwep. muj.*— **M. Teogene**, *mwep. muj.*— **M. Batilda**, *muka kab.* **M. Paola**, *nakyeyombekedde.*

27 » 6 **M. Joanna-Krisostomo**, *mwep.*— **M. Juliano**, *mwep.*— **M. Redemta**, *mub. muj.*

28 » 7 **M. Remondi**, *mwaluzi.* — **M. Flaviano**, *muj.*

29 » D **M. Fransisko, Salezio**, *mwep.*—**M. Akwilino**, *musas. muj.*

30 » 2 **M. Martina**, *mub. muj.*— **M. Yasenta**, *mub. muj.*— **M. Felisiano**, *muj.*

31 » 3 **M. Petro Nolasko**, *mwal.*— **M. Ludovika**, *nakyeyomb.*— **M. Marsella**, *nakyey.*

1./ Olunaku olusoka omwaka n'olwa Epifania zombi nkuru mu Buganda nga za tteka. Naye Vijilia ya Epifania si ya kusiba. — 2./ Ku lwa 24, mu bifo byonna basabira abakristu abafa mu Buganda kasoka edini yafe eyingiramu.

nno Katonda bw'alibanga amuwadde okuwangala, kwe kugamba nti ng'asomeddwa bangi, bwe baliba nga bamusanyukidde nyo, awo talilema kukula na kufûka, era talikwagazayo birala ebisinga biri bye ngambye ebinamugula lero.

Kale biwedde, Katonda afukumulire buli musomi wa MUNNO emikisa gye mu mwaka guno omuggya; akûme omwoyo gwe mu kwagala kwe, era akûme n'amâso ge, galyoke gasome MUNNO obulungi ate n'essanyu, okutusa omwaka guno 1911 okuggwawo.

*Omukunganya.*

## TUBABULIDDE

**Abaliwandisa amannya gabwe mu January, balifuna akatabo aka January wamu n'aka February.**

# EMITWE GY'EKLEZIA KATOLIKA

## MU MWAKA GUNO 1911

Mu Buganda era ne mu nsi zonna, buli mwaka babala emitwe, Bakabaka ne balyoka bategêra omuwendo ogw'abantu be batwala nga bwe gweyongera, oba nga bwegukendera.

Kasoka Yezu Kristu aleta dini ye mu nsi, ebbanga liyise lya myaka 1911. Omuganda yebûza olusi, nti Omuwendo gwa Bakatoliki gwenkana wa mu nsi zonna? Ekyo kya magezi, kubanga abasenze abemanyi obungi bwabwe, bafuna amânyi ag'okulwanirira mukama wabwe n'omwoyo ogumu. Ekigambo ekyo kye tuba tunnyonnyola kakati.

Naye kubanga emiwendo eminene mizibu okusoma ku lupapula, kubanga gisiriwaza na bangi, ka tusoke tulete olugero Omuganda lw'amanyidde, lw'anasinzirako okwefananyiriza omuwendo ogw'abakatoliki abajjudde mu nsi.

Bwe mugatta emitwe egy'abantu abali mu Buganda, ne mutekako n'abali mu Nkole, ne mu Bunyoro, ne Toro, muweza omuwendo gwa *kakadde kamu na kitundu*.

Ka tufunzeko, kiryose tukome ku Baganda bokka. Awo nno buli Muganda bw'anafananyirizibwa ng'ensimbi emu, ne mumala mukunganya ensimbi ezo zonna, ne muzitunga ebyasa; ne muzisiba emitwalo egya kakumi kakumi, awo emitwalo gy'Abaganda giwera nkaga; okugattako n'Abanyoro bonna, kwe kuweza emitwalo kikumi mu atano, anti ke kakadde kamu n'ekitundu ke twasose.

Nga bangi! So omuwendo ogwa bakatoliki abali mu nsi zonna, si gwa kakadde kamu, naye gwa *bukadde ebikumi bibiri mu abiri*.

Muwulidde? Okugutusa, mugatta emitwe gy'abantu bonna abali mu Buganda ne mu Bunyoro emirundi ng'ebikumi bibiri.

Lero ago ge matwale ga Papa Pio X mu nsi, Yezu Kristu ze yamusigira. Omuwendo ogw'*abepiskopi* bonna abalamula amasaza gonna ag'Eklezia nga bwe yagaleta, guli 1300, lukumi mu bisatu.

Omuwendo ogw'*abasaserdoti* gwe guno: 400,000; anti gwenkana ng'emitwe gy'abantu abali Ebunyoro ne Toro.

Mu abo, abasinga obungi, ba mu byalo, abalala ba mu bibina; ab'omu bibina kye kitundu eky'okuna ekya bonna.

*Ababikira* bonna abali mu nsi, abakola emirimo gyonna egy'edini, bali 160,000.

Bakatoliki gye basinga obungi, ye *Bulaya*. Baliyo *obukadde 177*, lero kye kitundu ekiramba eky'omuwendo ogwa bonna. Okuggyako Bulaya, ekitundu ekirala kye basingamu, ye nsi ya *Bamerikani*: mulimu *obukadde 17* ne busoba.

Omuganda awulidde ebyo, ky'asigalidde okubûza gwe muwendo ogwa Bakatoliki abali mu Bungereza era ne mu Buganda.

Kale *ensi ya Bangereza* erimu abantu obukadde 41. Okudda ku lugero lwafe, mugatte Abaganda aberere, obutalekayo n'omu, emirundi nkaga.

Mu abo nno, mulimu *Abangereza bakatoliki bukadde butano na kitundu*; kwe kugamba nti emitwe egiri mu Buganda ne mu Bunyoro gyonna nga gigattiddwa emirundi ena; okumenya Abaganda bokka emirundi giri munana. Naye bwe tubala n'amatwale ga Bungereza, awo omuwendo gugejja nyo, nga guwera bukadde 12 mu 53,000: kubanga ekitundu Aba-

ngereza kye bafuga kinene nyo, ng'ekitundu eky'okutano eky'ensi zonna.

*Abepiskopi abatudde mu Bungereza* ye nyini, bawera 79; okutekako n'abali mu matwale gayo bawera 184.

*Abasaserdoti* abali mu Bungereza, obutassako bali mu kizinga ekya Ireland. (1) bawera 7,166: bakola emirimo gy'edini mu eklezia 2,137.

*N.B. Ebigambo ebyo byonna. babiggya mu bitabo eby'emitwe ebyakubibwa Bakatoliki n'Abaprotestanti mu mwaka gino. ( Atlas des M.C. Steyl. mu Budaki ). Ebyo ku Bungereza bivwa mu kitabo ekiyitibwa THE CATHOLIC DIRECTORY ekikubibwa buli mwaka mu kibuga London.*

Ka *tudde ku Buganda*. Mu mwaka 1911 bâmenya mu Buganda bakatoliki 173,127. Bataddemu abali mu Nkole ne mu Bunyoro era n'abali mu kitundu ekye Nsambya. Mu bali ab'omu kitundu kyafe, ababatize bawera lero 107,047. Gye basinga obungi ye *Buddu*. Emitwe gyayo bâbala mu mwaka guli 90,001: abeyita bakatoliki nga 37,251; ababatize bokka 27,000.

Batismu ez'omu mwaka guno: 10,785. Mu muwendo ogwo nga mulimu abakuru 4,098, n'abato 3,739. Abalala be babatizibwa mu bulwadde.

Abasaserdoti tuwera 102; abafrera bali 11; n'ababikira 21.

---

1 Ireland ke kazinga akali ku Bungereza, ku luyi olw'ebugwanjuba. Lero ye nsi emu ne Bungereza. Obutono kazinga [illegible] tikasinga nyo Buganda: so abantu bamu omuwendo gwabwe gwenkana ng'emitwe gy'Abaganda nga bagigasse [illegible] esatu. Mu kazinga ako abasingamu be bakatoliki. Balamulibwa abasaserdoti babwe 3,000 (enkumi ssatu).

# EKITUNDU EKY'EDINI

## EBY'EWAFE

**Okutuka okw'omwepiskopi e Villa Maria.**

**Pere Moullec ye musigire we Buganda.**

Omwepiskopi wafe Monseigneur *Streicher* yatuka e Villa Maria mu November, ng'amaze okulambula Gayaza, Nandere, Naddangira, Katende, ne Busubizi. Atebereza okuberera ddala kuno obutavvwako, wabula beppo ng'omwezi October gubonese. E Rubaga yasigirayo R. Pere Moullec okulabiriranga ekitundu kyonna ekye Buganda, obutassako Bukumi ne Bujuni Ekitundu kye Buddu nakyo sikiriko. Pere Moullec yakakasibwa mu busigire ku lwe kkumi ne nya olwa October.

Abakristu banasanyuka nga bawulidde ekigambo ekyo. Mu fe fenna Pere Moullec ye mukulu. Mukulu mu myaka, anti yakamala mu Buganda emyaka abiri ddu: mu kutegera ensonga ez'ensi nga takirwa. Ate mukulu mu kwesigibwa, kubanga bonna bamumanya dda, nga muzibu mu bukwâta mpola, era ne mu kisa.

**Ekifo kye Kilo mu Kongo.**

Mu mwezi guno era watukawo bannafe babiri abakavwa mu Bulaya. Eyasoka tiyalwawo, n'awebwa e Bukalagi, ye Pere Marechal.

Omulala yatuka e Villa Maria ku lwa 11, era n'atalwawo n'alaga e Toro, asinzire eyo okugenda e Kilo. banne gye balimusanga; erinnya lye ye Pere Lenoir. Ye Muberigi, era ne banne bwe bali nabo Baberigi. Edda yaberanga Tanganika, gy'avudde okugenda emitala wa *Mutta*-

# MUNNO BW'AKUBIBWA

## *Ya munnafe Zimba ennene, egindi.*

*Bukalasa 1 January 1911*

*Tukulamusidza nyo nyini. Amagambo eyo? Wattu ekigambo kye watusaba okukunnyonnyola, ebitabo nga bwe bikubibwa, ka tukukitegeze ko.*

*Omulimo gw'ekyapa gwawulwamu ebiri: waliwo ogw'okulonda ennukuta, ate waliwo n'ogw'okuzikuba.*

*Okukuba nkafukunya k'empapula enyingi ezenkana awo ez'owulira, tibaggya ku mpapula nga bwe bakola mu bino ebikutize eby'emikono; naye buli nnukuta gy'olaba eba ku kantu bwe kati: kali ng'akakondo, obuwanvu kenkana ng'ekisera ky'engalo. Awo nno mu ntwe yako mwe bola ennukuta.*

*Naye kuba omuwendo gwazo oguyinza okumala ekitabo ekirambirira guyinze obungi, osanga akafukunya akali awo enkumu n'enkumu; ne buli nnukuta yonna ey'erinnya ng'erina entumu yayo.*

*Ate kuba omulimo gw'okulonda gugenda na kwekkanya, era n'enju mwe bagukolera bagigerera ku mulimo ogwo. Awo nno bw'ogiyingiramu, olabira ddala*

---

nzige, mu kitundu kye bayita Kongo. Essaza Papa lye yakwasa omwepiskopi wafe lirimu n'ekitundu ekinene ekya Baberigi. Mu kibuga Kilo mukunganiddemu Abazungu bangi era n'abaddugavu bangi nyo, okubera omulimo gwa zawabu. Kwe kusoka okutwalayo ekifo.

Ensi ya Kongo ngazi nyo: ku luyi olw'ebuvwanjuba esimba ku nyanja ennene, *Mutta-nzige*, *Sitta-nzige*, ne ku *Tanganika*; ku luyi olw'ebuvwanjuba akoma ku nsi eno eya Afrika gy'ekoma.

Kabaka Leopold eyafa mu mwaka 1909, mu mwezi December, yali agifuga ku bubwe, ng'agirina mu mikono gye. Lero mu mwaka 1908 yali agirekedde eggwanga lye. Kabaka Alberto yalambula ensi eyo mu mwaka kitawe gwe yafiramu; n'asima nyo omulimo abasaserdoti gwe bakolamu. Lero mu nsi eyo yonna baweramu ebikumi bina, obutassako babikira. Tulibanyumizako olulala ku mulimo gw'edini ogukolebwayo. Kasita munajjukiranga banne abagenda okulwanirira Mukama wafe mu nsi eyo enzibu.

Kabaka Alberto kasoka alya yakasindikayo ebibina ebirala bisatu ng'akubiriza nyo abantu okusoma.

### Abannabikira.

Ku lw'okusatu olwa December, lwe lunaku lwa Mutakatifu Fransisko Xaverio, abakazi abannabikira bakuba ekiragano ekyomwaka gumu, kye ky'obutukuvu ne ky'okunyikira mu mulimo ogw'okuyigiriza abana.

Mu myaka gino omukaga, mu nsi yafe mwakasemberamu abana abakristu 8,034: abasinga obungi abakazi abaganda abo be babasomesanga. Lero mu bifo byafe byonna baweramu nga kikumi ne kisoba: mu abo Katonda mwalironda mpolampola abaliweza ekibina ekiyitibwa kak...no ekya *bannabikira*.

*ng'elangala, nga terimu na kaȥȥikeȥȥike, lero kyenkana ng'oluggya obuggya.*

*Awo bw'oyingiramu, n'osanga emyeso emiseṅgeke awo ku kisenge nga gikutte ku nsonda eruyi n'eruyi: gye gibamu enukuta ȥonna nga bwe ȥifa ȥenkana. Emeȥa kwe bagitereȥa, ȥesulikakò era ng'eȥiwandikirwako, ȥiba n'eȥa kasiringito. Ekyakoȥa kityo, abalonȥi àbakolamu balyoke basinȥire eno, balonde ȥiri eȥikomeredde mu masa agali ku kisenge.*

*Awo nno mu myeso egyo osangamu bannakyapa nga balonda (banojjola) enukuta, buli muntu ng'alondera ekitabõ kye bamuwadde; olusi kiba kya luganda olusi lunyoro, era newakubadde oluȥungu.*

*Ate omulonȥi takalubirirwa nyo kulonda enukuta, kubanga bâȥitereȥa bulungi: eȥ'engeri emu, oȥisanga mu ssa lyaȥo; era eȥisinga okuletebwa mu bigambo, ȥe ȥiba ku muggukiriro (ku ndebolebo), ng'empereȥi, era ne endala nga (k) ne (w) ne (g) ne (l) n'endala; era eȥo ȥe ȥisinȥa n'amasa amagaȥi.*

*Awo olutuka, ng'addira olupapula oluwandikiddwako ebinakubibwa, ng'alutereȥa bulungi mu maso ge,. awo ne yekkanya buli nukuta eri ku lupapula; bw'agyetegereȥa, n'alonda, n'agissa mu kyuma ekigera okutusa okukomekkereȥa ekigambo; bw'akimalayo; n'akikawo akûma akèrere kalyoke kakyawule ku kinnakyo. Erà waliwo n'obûma obwawula ennyiriri. Bw'aba awubiddwa, n'ama-*

Awo nno olunaku olw'okusatu olwa December kwali lukulu e Villa mu nyumba ya San Leo, kubanga ku lunaku olwo ekibina kwe kyakakatira ddala. Abannabikira abakamalayo emyaka ebiri, bàkuba ekiragano kyabwe mu màso g'omwepiskopi. Bàsasana ku lw'okubiri lw'edominika okugenda mu bifo byabwe.

E Nandere yagendayo bana, e Mitala Marià bana, e Narozari basatu; omulala yasigala Villa okuyamba ababikira mu mulimo gwabwe. Lero omugigi omuggya gulimu basatu abafùnye ekyambalo eky'ekibina, n'abalala 16 abakayigiri.

**Rubaga, Nandere**

Twasalirwa nyo okufirwa munnafe Pere Hafner owe Nandere eyafira ku kibuga ku lwa 27 olwa November. Era mu mwezi ogwo yali alwaddelwadde. Naye kubanga yali mukalu, nga tamanyi na kwesàsira, n'amalanga gakola mulimo gwe. Omulimo ogwo gwali gwa kulimisa mimwanyi na mipira mwe tuliggya edda ebirituyamba mu kuzimba ebifo ebiggya era n'okweyongera mu byonna. Ku ogwo kwe yali atadde omwoyo gwe. Naye ku lw'abiri mu etano, omulu we Pere Leveux n'amulàbira abantu ab'okumutwala e Ntebe, awummuleko. Ne bamutambuza ekiro nga bamùtîsa omusana. Bwe bwakya enkya, ne batuka e Rubaga, munnafe ng'akoye nyo. Naye obudde bwe bwawungera omusujja ne gumukwata mungi. Omusawo Cook n'ayitibwa, n'ajja mangu. Olwaddako, era n'ajja n'amulaba og'w'okubiri. Awo bwe yalaba amàso nga galimu endulwe, n'omubiri gwonna nga gumyuse, n'atwegayirira n'ekisa okumutwala e Namirembe bamulabire kumpi. Munnafe Pere Theriault eyali awerekedde omulwadde okuvwa e Nandere, n'agenda naye. Sibalwiseyo; olunaku lwali lwa dominika, nga ku sawa ssatu ez'enkya, munnafe Pere Hafner n'afira mu mikono gya Pere Moullec.

Wayitawo ennaku mukaga, olunaku lwa Mutakatifu Fransisko ne lutuka. Tulowoza nga munnafe yalutakatifusiza mu ggulu wamu n'o-

*la aterezawo enukuta etali yawo, alina ekyuma ekiyitibwa magalo, awo enukuta eyo n'agirobayo n'ekyuma ekyo, n'asensezawo esaniddewo.*

*Naye kye twerabidde okukutegeza kikino: Nze akuwandikira wano n'omukono; gye nsokera eri ku kkono, nga nvwa ku lama emu; bwe ntuka eri ku ddyo, olunyiriri mmala nga bwe njagala, olulala ndukomya mu kkubo. So mu kyapa si bwe bakola: zonna gye zivwa waggulu ne gye zinakoma wansi; gye zivwa ku gwa ddyo, ne gye zigenda ku kkono. Era bwe zitunula zonna, oli bw'atakubulira, nti Wamma eno ye gundi, totegera, kubanga gy'oyita d, kadzi nga ye b; gy'oyita n, so nga ye u, bwe zityo.*

*Naye oluvwanyuma bwe bazivunika, olubu lwonna okulukuba ku lupapula, awo enukuta ne zifuna okulungama awasana n'okuterera mu bigambo, kwe kutegerwa obulungi.*

*Kale omulimo ogwo gwonna kye guberedde ogw'empola, mu lunaku olumu, omugezi enukuta z'alonda ziba za mpapula bbiri oba ssatu.*

*Kasita amala nalusiba; n'alukuba mu kâpa akatono, alabe oba nukuta ziteredde nga bw'ayagala. Oba tiziri nga bwe yagenderedde, ow'ekyapa n'alongosa ebigambo: oba m eri mu kifo kya n, oba j eri awagenda f.*

*Kale mwanawattu, obudde buli wala, ka tukome wano; olulala tulikutegeza bwe bakola omulimo ogwokubiri ogw'ekyapa.*

*Werabá. Fe banno H. Xaverio ne Alipo.*

muwolereza we: kubanga erinnya lye ye yali Xaverio. Yafa ng'awezedza emyaka 42; mu kibina kyafe ng'amazemu emyaka kkumi, mu Buganda ng'amazemu mukaga.

Oyo ye munnafe ow'ekkumi n'omukaga abakatufako mu Buganda. Edini ya Mukama wafe, bonna gye bateganira, kwe kweyongeramu. Anti okuvwa ku kufa kwa Yezu Kristu amagezi agalokola abantu gali gamu, kwe kubafirira: ensi egula mirambo.

**Bukalasa.**

**Ettakatifu ely'okusalibwako enviri.**

Ku lwa 24 olwa December, mu eklezia y'Ebukalasa Monseigneur STREICHER yayingiza mu bawereza ba Katonda bannamwe babano: Ibrayimu Aloizi Mupere, owe Bumangi (SESE); Antonio Wevugira, owe Villa Maria; ne Leo Bwogo, owe Toro.

Omuntu okumuyingiza mu mulimo gwe dini akolebwako ettakatifu lye bayita Okusalibwako enviri. Awo omwepiskopi amusalako n'emakansi enviri ku mutwe waggulu, oli ng'afukamidde mu mâso ge, ng'agamba ebigambo bibino ebya munabi Daudi: Mukama, gwe mugabo ogw'obusika bwange n'ogw'ekikompe kyange: gw'olibumpa. Ate omwepiskopi amwambaza akakanzu, ng'amusabira Katonda alyoke afule n'omwoyo gw'omulondebwa we. Ettakatifu eryo si lya Sakramentu lya Ordini, wabula amasoka galyo.

Kale edda, mu nsi yonna etali ya buvwanjuba, enviri empanvu zali za buyonjo nga za bakazi bokka; era M. Paulo bw'atubulira mu baluwa ze. M. Yeronimo akomako abawereza ba dini, baleme okukûza enviri zabwe ng'abaserkale era n'abannamawanga bwe bakolanga. Naye bo bwe basoka okuyingira mu mulimo gwe dini, awo empisa ng'ekwata okubasalako enviri, na buli kati ekyatudde. Awo akolebwa bwatyo ayatula kyenkana nti eby'ensi ayagala kubyesambako okwemalira Katonda yekka.

Abakristu basabirenga baganda babwe abali mu seminario, Katonda abasanyize obusaserdoti. Lero Ebukalasa waliwo abayiga 83: abakuru 11; abato 72.

# KATONDA BW'ALABIRIRA BYONNA

Olwatuka omusajja yali tasîma mbera ye, ng'anyigira Katonda. nu Katonda mmulaba ng'afukumulira abalala byonna naye nzè nga tampa kantu. Bero nze nnakola ntya? Omukadde yamuwulira ng'amùbûza, nti Owange, era bw'oli mwavu? Kale Katonda akummye obulamu n'amânyi?

Wewawo, obulamu nnina, era n'amânyi ag'obuvubuka nnina.

Kale nno. kkiriza nkutemekò omukono guno, nkuwe rupia lukumi

Aaa, sikkiriza.

Kale kkiriza nteme ogwa kkono.

Era nagwo sikkiriza.

Ko omukadde. nti " Eby'omuwendo olina bibiri, ate ne wemulugunya? oli mubi.,,

Era nafe bwe tutyo. Twemulugunyiza Katonda, buli budde, okubera buli nsonga, ne wakubadde (ezitalimu. Kale wulira: Omusana guyinze: enkuba eno ng'enetta èmmere; ebbugumu lino kitalo: era n'ebirala bwe bityo.

Olwatuka obudde bwali kiro, omwana n'afuluma ne nyina mu luggya. kadzi omwezi nga gubonese. Omwana n'agamba nti Nyabo, nyabo, tunula waggulu. omwezi gwa kitundu! Katonda abuliddwa agagumalayo.,,

**Ensi eziriranye Buganda.**
**Ku kkubo lya ggari eritusa epwani.**

Mu budde buno Papa yasala essaza eddala mu nsi ey'epwani : baliyita erya *Kilimandjalo*. Kilimandjalo lye ssozi eddene enyo erirengerwa ku mukono ogwa ddyo ng'ogenda e Mombasa, ennono yalyo « *Lusozi lwa mwezi*, » kubanga lubulira mu bire, era nga Gambalagala. Ensi eyo yasoma nyo. Omwepiskopi omuggya ye Mgr Louis Munsch, ow'ekibina ekiyitibwa ekya Mwoyo-Mutakatifu.

Abasaserdoti ab'ekibina ekyo abayigiriza mu Afrika bangi nyo, bawera nga ebikumi bina ne basoba.

Mpodzi abakristu ab'eno tibamanyi ng'ekibina kyabwe kyagunjulwa omusaserdoti omutakatifu erinnya lye ye *Pere Libermann*. Yali muyawudi, kitawe nga rabbi, ye muyigiriza omuyawudi; yakyuka ng'awezedza emyaka abiri mu gumu, awo n'ayingira mu busaserdoti. Ekibina eky'okusomesa ab'ensi eyo, yakireta mu mwaka 1842. Yafira mu kibuga kya Bafransa, ku lwo kubiri olwa February, mu mwaka ogwo 1852, Suna ng'ali ku Buganda, era ng'ali kumpi okufa. Mu mwezi June, mu mwaka guno (1910), Papa Pio X yalanga nti Pere Libermann yanyikira bulala mu mpisa ez'edini. Kwe tusinzira okugamba nti talirwa kutukuzibwa. Ekigambo ekyo kiriba kya ssanyu mu basaserdoti bonna, era ne ku bakristu bonna abali mu nsi muno, kubanga fenna Pere Libermann ye yatuwagulira ekkubo.

Wewawo, nafe bwe tutyo, ne bwe tubera abantu abakuru, era mu kulowooza tuba ng'abato: emyezi mingi mu nsi gye tuvunana obutatukirira.

Olugero lw'ekizungu luluno:

## EMPAFU N'ENJE

Olwatuka ne ndaba Mugongo gwa mbwa, yali awo ng'atudde ku lubibiro, nga yekkanya, kadzi wujju nga gw'akebera.

Naye wujju oyo yali munene nyo, nga munene okukira wujju yenna. Mugongo gwa mbwa ne yewunya nyo okulaba nga wujju eyenkana awo yagejjera ku kalyo akanafu. Olaba obunafu bwako sibwenkanika, anti kalandira awo ku ttaka, nga sikalina gesimba.

Awo nno Mugongo gwa mbwa ne yegamba, nti Lero Lugaba kasoka agereka bintu, kino kyamulemesa. Kale eriwujju lino ekyalimubazisa ku kalyo kano, kiki? Anti mbera nze nandiribazidza ku muwafu guli: kwe lyandisanye, ekibala n'omuti ne batukana.

Lugaba obwakkatikiro abera kubuwa nze, n'amala ampa entebe mu lukiko lwe, ekyo, nandikimutegezedza bwe ntyo. Era empafu eno eyenkana ng'olunwe lwange, ye yandisanidde okubala ku kalyo kano; abera kukola atyo, yanditusidza! naye lero Sebintu yawubwa nyo; ne bw'ombulira nti tiyawubwa era nganiddewo. Awo Mugongo ng'asoberwa atyo. Naye bwe yayongera okwetegereza, era nga n'omutwe gumubobba. Olw'okusoberwa ekyo, otulo ne tumukwata, n'agamba, nti « Abafe bwe nebakako? »

---

**Roma**

Ekigambo ekikuru ekiri Roma kya kutukuza PIO IX. Ekyo bwe kiliba kituse mpodzi, kiriba kya ssanyu ne mu Buganda. Omukuru eyagunjula ekibina kyafe, Kardinale LAVIGERIE, ye yatwagaliza ensi eno okugisomesezamu edini ya Mukama wafe. Awo PIO IX gwe yasaba okututuma; baluwa ye n'etuka ku Papa oyo ku lwa 6 olwa January mu mwaka 1878. Papa n'asima, ebigambo ne bitesebwa ne biggwa mu lukiko, ku lwa 4 olwa February. Naye PIO n'afa nga tannaba kussako mukono ku kiwandiko. Lero LEO XIII ye yamaliriza, nga yakamala ennaku nya zokka okulya.

So PIO IX ye jjajjabwe omuberyeberye wa Baganda. Ennaku PIO IX ze yalaba tizitendeka, talabwangako n'ekisa. Kale, tusabe Katonda, ob'ayagala okugulumiza omuweereza we, omusika we ow'okubiri PIO X akitegere akitubulire.

AMAWULIRE **Buganda.**

Amagombolola agagabiddwa nga 12 Dec.

| | | |
|---|---|---|
| Ery'Ekikera | lyalibwa | Elizeo Jumba. |
| Ery'Essango | » | Dezire Wamala. |
| Erya Kawungu | » | Simoni Kagenda. |
| Erya Kyanku | » | Ambrozi. |
| Erya Miyingo | » | Ezekia. |
| Erya Sebugulu | » | Zefirini. |

**Musisi.**

Simanyi oba mwawulira Musisi ku lwe 13 olwa December, ku sawa 8? Kale nno ensi ya pwani nga teri kumpi, anti okutukayo ng'otambuzidza ebigere, omala emyezi ebiri; mu magari omala ennaku bbiri naye nga togayadde, lero ogenze mbiro. Awo ku sawa 8 n'ekitundu musisi ng'atuse epwani. Ekirala. Ebulaya mumanyiwo nga wala, anti okutuka mu Bungereza mwezi, ng'oddukanye era. Kale ku lwe 14, musisi abayo bagiwulira. Nsigalidde okubatendera olumo. Ku lwe 16 lwe lwatubulirira nga musisi yali awulikise mu Bulaya. Ee! *Bikira engoma.*

Awo n'alaba mu kasikirize k'omuwafu, n'agalamira bugazi, n'afuluta.

Naye yali ali awo nga yebase, empafu n'enogoka ku muwafu, ne yekkata ku nyindo.

Ko ye, nti « Owa! obadde otya ankuba? » Bwe yamagamaga, nga talaba muntu amukubye. Bwe yakwata ku nyindo, ng'alaba ejja musayi. Ne yebûza nti « Abafe guvudde wa? » Awo ne yekwatakwata; naye yagenda okulaba, ng'empafu ekwatidde ku kirevu. Ko ye nti « Bwe kityo! Kakano nno kye njije ntegere. Singa abadde wujju ono, singa nafudde dda. Wewawo Katonda buli ky'akola kirina amagezi gakyo: kye kyamugana okuwanika wujju ku muwafu waggulu; lero nkirabye. » Awo n'addayo eka ng'atenda.

### Eggari

Ku lwa 24 olwa November H. E. M. Stanley Tomkins yagenda e Jjinja okussako *rail* emberyeberye (kye kyuma amagari kwe gagendera) ey'amagari agalivwa e JJINJA okutuka ku Kyoga. Abantu bali bakunganye bangi nga 4000, obutabala bapakasi 3000 abali ku mulimo ogwo. Ekkubo lyonna amagari gye ganayitanga lyaggwa dda okugera Lero bakakola *miles* (mavilo) ttano. Balowoza okumala ku Noeli 1911.

### Rwanda

Omwezi December nga gwakamala ennaku 27 Emasaka wayitawo esafari y'Omuberigi. ye mubaka okumala ensonga eziri ku nsalo zabwe Erwanda ku nyanja Kivu. Balisisinkaniravo n'omubaka owa Badaki n'owa Bangereza. Lero ensonga za kuggwa mangu.

*Omwezi ogujja tulibanyumizako ebya Mulakalifu INYASI (1 February).*

## SEKANYOLYA

### Bungereza

Bagamba nti Kabaka *GEORGES* alitikkirwa omuge ogw'Obwakabaka mu mwezi June, ate nga Kabaka CHWA aligendayo Abalala bagamba nti omwaka guli, mu mwezi January, Kabaka Georges alitikkirwa n'omuge ogw'obwakabaka obw'Abayindi mu kibuga kyabwe Delhi.

### Budaki

Omwezi guno omulangira ow'*Ebudaki* yali akyadde: yatuka ne Bombay mu Buyindi. Kyajje avweyo.

### Bufransa

Omwaka guno mubi nyo mu Bulaya. Mu *Bufransa* enkuba etonnye nyingi nyo kitalo, emigga gijjude; era Gavuma yagaba obukadde bwa rupia buna okujuna abantu.

### Buitalia

Mu nsi ya *Napoli mu Italia*, kibuyaga yaleta ekikunoŋku lubalama olw'enyanja. Papa n'aryoka awerezayo rupia 3000 okuyamba abatakyalina kisulo.

TUBABULIDDE: — Buli awali ekifo eky'ewafe, omukuru ow'ekifo ye agaba ebitabo bya MUNNO, fe ne tutabiwereza mu POST (*POSTA*). MUNNO ye mubulizi ow'abakristu bafe, bonna nga baliko ekifo kyabwe kye bamanyidde okusomeramu. Naye awatali kifo ky'ewafe, nga mu Kyagwe, mu Busoga, ne mu Budaki, era ne walala wonna, awo tuwereza MUNNO mu POST, omuwendo gw'agula nga gwongeddwako CENTS 50.

Omuwendo gwe gusoka okuwebwa, Rs. 1. 50, MUNNO n'awerezebwayo.

*Published by* J. L. GORJU — *Office of* MUNNO
White Fathers' Printing Press BUKALASA near Masaka, (Uganda.)

**Katonda n'Obuganda** **Omwoyo gumu n'omutima gumu**

# MUNNO

## OMUBULIZI OWE BUGANDA

MUWENDO 1 — **Akatabo ka buli mwezi mu luganda** — **Registered at Government Office, Entebbe.** — MWAKA 1

Buli ayagala okugula MUNNO okumufunanga buli mwezi, awandise erinnya lye mu Kifo ky'esomeramu.

**MUNNO agula Rupia 1, buli mwaka.** **Akatobo akamu kagula Cents 10.** ***Mu Bifo byafe byokka***

## KALENDARIO YA JANUARY

1 lwa D *Okulayirirwa kwa Mukama wafe Y. K.*— **M. Fulgensio,** *mwep.*— **M. Almakio,** *muj.* — **M. Odilone,** *muk. wa bamon.*— **M. Ufrazina,** *mub. muj.*

2 » 2 **M. Narsisio,** *mulenzi muj.* — **M. Marselino,** *mul. muj.*— **M. Makario,** *mwat.*

3 » 3 **M. Genovefa,** *mub.* — **M. Anteri,** *papa muj.*— **M. Florensio,** *mwep. muj.*

4 » 4 **M. Teodoto,** *muj.*— **Dafraza,** *muj, mub.* **M. Benedikita,** *mub. muj.*

5 » 5 *Vijili ya Epifania.*—**M. Telesforo,** *pap. muj.*— **M. Simeone Sitelito,** *mumon.*

6 » 6 *Epifania ya Mukama wafe Y. K.*— **M. Melanio,** *mwep.* **M. Makra,** *mub. muj.*

7 » 7 **M. Krispino,** *mwep.*— **M. Lusiano,** *mus. muj.*

8 » D **M. Teofili,** *diak. muj.*— **M. Salvio,** *muj.* **M. Gudula,** *mub.*

9 » 2 **M. Marsiana,** *mub. muj.*— **M. Revokato,** *muj,*

10 » 3 **M. Nikanori,** *diakon. muj.*— **M. Agatone,** *papa muj.*

11 » 4 **M. Igini,** *papa muj.*— **M. Onorata,** *mub.* **M. Teodozio,** *mukulu wa bamon.*

12 » 5 **M. Zotisio,** *muj.*— **M. Alfredi,** *mukulu wa bamon.*—**M. Alkadi,** *muj.*

13 » 6 **M. Veronika,** *mub.*— **M. Pontisio,** *muj.*

14 » 7 **M. Ilario,** *mwep.*— **M. Feliksi,** *musas. muj.*— **M. Ufrazio,** *mwep.*— **M. Makrina,** *mub.*— **M. Malakia,** *munabi.*

15 » D *Erinnya ellakalifu lya Mukama wafe Y. K.*— **M. Paolo,** *mwat.*— **M. Moro,** *mumon.*— **M. Sekondina.** *mub. muj.*

16 » 2 **M. Marselo,** *papa muj.*— **M. Berardo,** *muj.*— **M. Prisilla,** *mub.*

17 » 3 **M. Antonio,** *mukuru wa bamon.*— **M. Sulpisio,** *mwep.*

18 » 4 **Entebe ya M. Petro e Roma.**— **M. Priska,** *mub. muj.*— **M. Liberata,** *mub. muj.*

19 » 5 **M. Kanuti,** *kab. muj.*— **M. Mario,** *muj.* **M. Germaniko,** *muj.*— **M. Germano,** *muj.*

20 » 6 **M. Fabiani,** *papa muj.*— **M. Sebastiano,** *muj.*— **M. Neofito,** *muj.*

21 » 7 **M. Anyese,** *mub. muj.*— **Publio,** *mwep.* **M. Epifanio,** *mwep.*

22 » D **M. Vinsenzio,** *diak. muj.*— **M. Anastasio,** *muj.*— **M. Godenzio,** *mwep.*

23 » 2 **Okwogerezebwa kwa B. M.**— **M. Emerensiana,** *mub. muj.*— **M. Ildefonso,** *mwep.*

24 » 3 **M. Timote,** *mwep. muj.*— **M. Feliciano,** *mwep. muj.*— **M. Urbano,** *muj.*

25 » 4 **Okukyusibwa kwa M. Paolo,** *omutume.* **M. Anania,** *muj.*— **M. Projecto,** *muj.*

26 » 5 **M. Polikarpo,** *mwep. muj.*— **M. Teogene,** *mwep. muj.*— **M. Batilda,** *muka kab.* **M. Paola,** *nakyeyombekedde.*

27 » 6 **M. Joanne-Krisostomo,** *mwep.*— **M. Juliano,** *mwep.*— **M. Devota,** *mub. muj.*

28 » 7 **M. Remonda,** *nakyeyomb.*— **M. Flaviano,** *muj.*

29 » D **M. Fransisko, Salezio,** *mwep.*— **M. Akwilino,** *musas. muj.*

30 » 2 **M. Martina,** *mub. muj.*— **M. Yasenta,** *mub. muj.*— **M. Feliciano,** *muj.*

31 » 3 **M. Petro Nolasko,** *mwat.*— **M. Ludovika,** *nakyeyomb.*— **M. Marsella,** *nakyey.*

1./ Olimaku olusoka omwaka n'olwa Epifania zombi nkuru mu Buganda nga za tteka. Naye Vijilia ya Epifania s ya kusiba. — 2./ Kú lwa 24, mu bifo byonna basabira abakristu abafa mu Buganda kasoka edini yafe okuyingira.

# WUNO. WUNO, ATUSE

## Baluwa ey'Omukunganya

*Bukalasa 1 January 1911*

Ya buli Muganda anagisomanga

Otyanno? Kulika omwaka oguwedde, gukulike nyo. Kale nno, watwagaza dda omubulizi anakubuliranga ebigambo byonna eby'edini n'eby'ensi ebikusanidde okuwulira.

Wuno, tumulese. Omubulizi oyo twamutuma dda erinnya lye nti MUNNO. Ka nkuvvunule amakuru galyo.

MUNNO ye munyumya gw'onyumya naye ku by'omanyi ne ku by'oyagala. Mu byonna Katonda by'agabira abantu, ekisinga kwe kufuna MUNNO gwe wesiga. Kale MUNNO azaliddwa lero akuberere nga atyo.

Gwe Omuganda atudde awaka, MUNNO anakukyaliranga ne mulojjera awo mu luggya oba ku kyoto.

Gwe Omuganda eyazâwa edda mu ggwanga omutassa ttoke lye Buganda, buli baluwa gye zituka, era ne MUNNO anakutukanga, ye anakunyumizanga ekifa eka mu Buganda.

MUNNO ye Mukristu omukatoliki: eby'edini bimujjudde mu mwoyo gwe. Bw'anakukyaliranga, tabengako ky'akukisa.

*Abatakatifu nga we bafa benkana* ab'omu mwezi ogujja, anabakumenyeranga kinn'omu: era ku abo *analondangako omu ow'omu bali* Omuganda b'asinga okwesiga, n'alyoka akunyumizako nga bwe yayisa. *Ennaku ez'etteka n'ez'okusîba* ezikulangirirwa azikutegeza newakubadde ekleżia nga tekuli kumpi.

*Abantu nga bwe basoma* mu nsi yafe eno, *nga bwe babatizibwa,* era *n'omwepiskopi nga bw'alambula essaza lye, n'obudde bw'alitukiramu ewuwo, n'ekleżia nga bwe zizimbibwa* era *nga bwe ziwebwa omukisa, n'ebifo ebiggya nga bwe bigenda byeyongera mu nsi,* ebyo byonna MUNNO ye anabikutegezanga.

Era ne *ROMA omutudde PAPA* ku ntebe eya Namulondo ey'edini, MUNNO amanyiyo, n'ebifayo ye anabikutenderanga.

Bw'akuyigiriza eby'edini, abikuyigiriza ku lwa Katonda; awo nno mu ekyo, tawakanyizika: MUNNO talina mpaka, kubanga ayigiriza abâna be: amuletako olutalo, amusirikirira busirikirizi.

Ebifa **Ebungereza**, tibimulema kumanya, anti okutu atadde ku lûma olwogera, oluleta ebigambo byayo.

Kale amanyi eby'ewala, n'eby'okumpi abimanyi nyo. MUNNO, ye Sekanyolya azimbye ku tti eggwanvu kw'asinzira okulengera. Agawulirwa ku kibuga, **Kabaka** *bw'ayısa*, **Government** *bw'agambye*, ebyo byonna abiwulira mangu ng'abôgezi tibannaba kubikyamyakyamya.

Oba oyagala okwetegereza *ekitabo bwe kikubibwa, eby'ensi bwe bigenda, n'eby'eggulu nga bwe byaterera, n'ebimera nga bwe birimwa, era n'ebintu nga bwe bitundwa,* ebyo byonna obibûzanga **MUNNO**. **MUNNO** ye mwesigwa wo, ate ye muwereza w'Oli eyagamba nti Musoke mugoberere obwakabaka obwa Katonda. Wewawo ebyo MUNNO by'asokanga okukugoberezesa; naye eby'ensi tabyesammule, kubanga Katonda ow'ekisa ye yabituwa.

Oyagala *engero ez'ekiganda n'ez'ekizungu,* oyagala bakunyumizeko ku by'edda bajjajjabo bye bakolanga; bûza MUNNO.

Naye MUNNO muntu; era ne bw'atetâga bingi, era yetâga ebitalekeka. Wewawo amagezi takuguze maguze, era n'omukwano gwe si gwa kwegasa; naye nawe laba by'ayambala, anti ze mpapula zino; era n'ekyambalo ekyo laba bwe bakitona obulungi nga bakikubako enukuta. Era jjukira nga MUNNO tatambuza bigere byerere, naye bakongojja mukongojje. So empapula tizimera bumezi nga butiko, n'enukuta tizitonnya butonnyi nga muzira, ate n'omwetissi alya omuwendo. Ebyo by'anakusabanga. Kale olugero lukomye wano.

**Oyagala MUNNO akutukengako buli mwezi obutasussawo na gumu?** Kale sala amagezi gano:

Bulira omukuru ow'ekifo ky'osomeramu, nti **Sebo, mpandika mu basomi ba MUNNO; rupia yange yino ey'omwaka ogumu.** — Awo okutusa omwaka okuggwa, MUNNO bw'aliba alabise, nomufuna (buli mwezi) n'otosubwa. Omukuru ye anamukuwanga, kubanga alidde ebbanja lyo.

Oba tolina rupia gy'ofunye, era tereka **cent** ey'ekikumi, nolinda omwezi ogujja era ne MUNNO awulikike; awo ononeyo ekikyo, n'ofuna akatabo ako MUNNO akamu omulundi ogwo; era bwe kityo, n'okola otyo buli mwezi. Naye kuba oba oli awo nosubwa, kye nvudde nkugamba nti okuwandikibwa kwe kusinga.

Naye MUNNO anaberanga wa mpapula kkumi n'ebbiri buli mwezi. Awo

nno Katonda bw'alibanga amuwadde okuwangala, kwe kugamba nti ng'asomeddwa bangi, bwe baliba nga bamusanyukidde nyo, awo talilema kukula na kufûka, era talikwagazayo birala ebisinga biri bye ngambye ebinamugula lero.

Kale biwedde, Katonda afukumulire buli musomi wa MUNNO emikisa gye mu mwaka guno omuggya; akûme omwoyo gwe mu kwagala kwe, era akûme n'amâso ge, galyoke gasome MUNNO obulungi ate n'essanyu, okutusa omwaka guno 1911 okuggwawo.

*Omukunganya.*

## TUBABULIDDE

**Abaliwandisa amannya gabwe mu January, balifuna akatabo aka January wamu n'aka February.**

# EMITWE GY'EKLEZIYA KATOLIKA

## MU MWAKA GUNO 1911

Mu Buganda era ne mu nsi zonna, buli mwaka babala emitwe, Bakabaka ne balyoka bategêra omuwendo ogw'abantu be batwala nga bwe gweyongera, oba nga bwegukendera.

Kasoka Yezu Kristu aleta dini ye mu nsi, ebbanga liyise lya myaka 1911. Omuganda yebûza olusi, nti Omuwendo gwa Bakatoliki gwenkana wa mu nsi zonna? Ekyo kya magezi, kubanga abasenze abemanyi obungi bwabwe, bafuna amânyi ag'okulwanirira mukama wabwe n'omwoyo ogumu. Ekigambo ekyo kye tuba tunnyonnyola kakati.

Naye kubanga emiwendo eminene mizibu okusoma ku lupapula, kubanga gisiriwaza na bangi, ka tusoke tulete olugero Omuganda lw'amanyidde, lw'anasinzirako okwefananyiriza omuwendo ogw'abakatoliki abajjudde mu nsi.

Bwe mugatta emitwe egy'abantu abali mu Buganda, ne mutekako n'abali mu Nkole, ne mu Bunyoro, ne Toro, muweza omuwendo gwa *kakadde kamu na kitundu*.

Ka tufunzeko, kiryose tukome ku Baganda bokka. Awo nno buli Muganda bw'anafananyirizibwa ng'ensimbi emu, ne mumala mukunganya ensimbi ezo zonna, ne muzitunga ebyasa, ne muzisiba emitwalo egya kakumi kakumi, awo emitwalo gy'Abaganda giwera nkaga; okugattako n'Abanyoro bonna, kwe kuweza emitwalo kikumi mu atano, anti ke kakadde kamu n'ekitundu ke twasose.

Nga bangi! So omuwendo ogwa bakatoliki abali mu nsi zonna, si gwa kakadde kamu, naye gwa *bukadde ebikumi bibiri mu abiri*.

Muwulidde? Okugutusa, mugatta emitwe gy'abantu bonna abali mu Buganda ne mu Bunyoro emirundi ng'ebikumi bibiri.

Lero ago ge matwale ga Papa Pio X mu nsi Yezu Kristu ze yamusigira. Omuwendo ogw'*abepiskopi* bonna abalamula amasaza gonna ag'Eklezia nga bwe yagaleta, guli 1300, lukumi mu bisatu.

Omuwendo ogw'*abasaserdoti* gwe guno: 400,000; anti gwenkana ng'emitwe gy'abantu abali Ebunyoro ne Toro.

Mu abo, abasinga obungi, ba mu byalo, abalala ba mu bibina; ab'omu bibina kye kitundu eky'okuna ekya bonna.

*Ababikira* bonna abali mu nsi, abakola emirimo gyonna egy'edini, bali 160,000.

---

Bakatoliki gye basinga obungi, ye *Bulaya*. Baliyo *obukadde 177*, lero kye kitundu ekiramba eky'omuwendo ogwa bonna. Okuggyako Bulaya, ekitundu ekirala kye basingamu, ye nsi ya *Bamerikani*: mulimu *obukadde 17* ne busoba.

Omuganda awulidde ebyo, ky'asigalidde okubûza gwe muwendo ogwa Bakatoliki abali mu Bungereza era ne mu Buganda.

---

Kale *ensi ya Bangereza* erimu abantu obukadde 41. Okudda ku lugero lwafe, mugatte Abaganda aberere, obutalekayo n'omu, emirundi nkaga.

Mu abo nno, mulimu *Abangereza bakatoliki bukadde butano na kitundu*; kwe kugamba nti emitwe egiri mu Buganda ne mu Bunyoro gyonna nga gigattiddwa emirundi ena; okumenya Abaganda bokka emirundi giri munana. Naye bwe tubala n'amatwale ga Bungereza, awo omuwendo gugejja nyo, nga guwera bukadde 12 mu 53,000: kubanga ekitundu Aba-

ngereza kye bafuga kinene nyo, ng'ekitundu eky'okutano eky'ensi zonna.

*Abepiskopi abatudde mu Bungereza* ye nyini, bawera 79; okutekako n'abali mu matwale gayo bawera 184.

*Abasaserdoti* abali mu Bungereza, obutassako bali mu kizinga ekya Ireland, (1) bawera 7,166: bakola emirimo gy'edini mu eklezia 2,137.

*N.B. Ebigambo ebyo byonna, babiggya mu bitabo eby'emitwe ebyakubibwa Bakatoliki n'Abaprotestanti mu mwaka guno. (Atlas des M.C., Steyl, mu Budaki). Ebyo ku Bungereza biowa mu kitabo ekiyitibwa THE CATHOLIC DIRECTORY ekikubibwa buli mwaka mu kibuga London.*

Ka *tudde ku Buganda*. Mu mwaka 1911 bâmenya mu Buganda bakatoliki 173,127. Bataddemu abali mu Nkole ne mu Bunyoro era n'abali mu kitundu ekye Nsambya. Mu bali ab'omu kitundu kyafe, ababatize bawera lero 107,047. Gye basinga obungi ye *Buddu*. Emitwe gyayo bâbala mu mwaka guli 90,601: abeyita bakatoliki nga 37,251; ababatize bokka 27,000.

Batismu ez'omu mwaka guno: 10,785. Mu muwendo ogwo nga mulimu abakuru 4,998, n'abato 3,739. Abalala be babatizibwa mu bulwadde.

Abasaserdoti tuwera 102; abafrera bali 11; n'ababikira 21.

(1) Ireland ke kazinga akali ku Bungereza, ku luyi olw'ebugwanjuba. Lero ye nsi emu ne Bungereza. Obutono kazinga katono, obunene tikasinga nyo Buganda; so abantu bamu omuwendo gwabwe gwenkana ng'emitwe gy'Abaganda nga bagigasse emirundi esatu. Mu kazinga ako abasingamu be bakatoliki. Balamulibwa abasaserdoti babwe 3,000 (enkumi ssatu).

# EKITUNDU EKY'EDINI

## EBY'EWAFE

### Okutuka okw'omwepiskopi e Villa Maria.

### Pere Moullec ye musigire we Buganda.

Omwepiskopi wafe Monseigneur *Streicher* yatuka e Villa Maria mu November, ng'amaze okulambula Gayaza, Nandere, Naddangira, Katende, ne Busubizi. Atebereza okuberera ddala kuno obutavwako, wabula beppo ng'omwezi October gubonese. E Rubaga yasigirayo R. Pere Moullec okulabiriranga ekitundu kyonna ekye Buganda, obutassako Bukumi ne Bujuni. Ekitundu kye Buddu nakyo sikiriko. Pere Moullec yakakasibwa mu busigire ku lwe kkumi ne nya olwa October.

Abakristu banasanyuka nga bawulidde ekigambo ekyo. Mu fe fenna Pere Moullec ye mukulu. Mukulu mu myaka, anti yakamala mu Buganda emyaka abiri ddu: mu kutegera ensonga ez'ensi nga takirwa. Ate mukulu mu kwesigibwa, kubanga bonna bamumanya dda, nga muzibu mu bukwata mpola, era ne mu kisa.

### Ekifo kye Kilo mu Kongo.

Mu mwezi guno era watukawo bannafe babiri abakavwa mu Bulaya. Eyasoka tiyalwawo, n'awebwa e Bukalagi, ye Pere Marechal.

Omulala yatuka e Villa Maria ku lwa 11, era n'atalwawo n'alaga e Toro, asinzire eyo okugenda e Kilo, banne gye balimusanga; erinnya lye ye Pere Lenoir. Ye Muberigi, era ne banne bwe bali nabo Baberigi. Edda yaberanga Tanganika, gy'avudde okugenda emitala wa *Mutta*-

# MUNNO BW'AKUBIBWA

## *Ya munnafe Zimba ennene, egindi.*

*Bukalasa 1 January 1911*

*Tukulamusidza nyo nyini. Amagambo eyo? Wattu ekigambo kye watusaba okukunnyonnyola, ebitabo nga bwe bikubibwa, ka tukukitegezeko.*

*Omulimo gw'ekyapa gwawulwamu ebiri: waliwo ogw'okulonda enukuta, ate waliwo n'ogw'okuzikuba.*

*Okukuba akafukunya k'empapula enyingi ezenkana awo ez'owulira, tibaggya ku mpapula nga bwe bakola mu bino ebikutize eby'emikono; naye buli nukuta gy'olaba eba ku kantu bwe kati: kali ng'akakondo, obuwanvu kenkana ng'ekisera ky'engalo. Awo nno mu ntwe yako mwe bôla enukuta.*

*Naye kuba omuwendo gwazo oguyinza okumala ekitabo ekirambirira guyinze obungi, osanga akafukunya akali awo enkumu n'enkumu; ne buli nukuta yonna ey'erinnya ng'erina entumu yayo.*

*Ate kuba omulimo gw'okulonda gugenda na kwekkanya, era n'enju mwe bagukolera bagigerera ku mulimo ogwo. Awo nno bw'ogiyingiramu, olabira ddala*

*nzige*, mu kitundu kye bayita Kongo. Essaza Papa lye yakwasa omwepiskopi wafe lirimu n'ekitundu ekinene ekya Baberigi. Mu kibuga Kilo mukunganiddemu Abazungu bangi era n'abaddugavu bangi nyo, okubera omulimo gwa zawabu. Kwe kusoka okutwalayo ekifo.

Ensi ya Kongo ngazi nyo: ku luyi olw'ebuvwanjuba esimba ku nyanja ennene, *Mutta-nzige*, *Sitta-nzige*, ne ku *Tanganika*; ku luyi olw'ebuvwanjuba akoma ku nsi eno eya Afrika gy'ekoma.

Kabaka Leopold eyafa mu mwaka 1909, mu mwezi December, yali agifuga ku bubwe, ng'agirina mu mikono gye. Lero mu mwaka 1908 yali agirekedde eggwanga lye. Kabaka Alberto yalambula ensi eyo mu mwaka kitawe gye yafisamu; n'asima nyo omulimo abasaserdoti gwe bakolamu. Lero mu nsi eyo yonna baweramu ebikumi bina, obutassako babikira. Tulibanyumizako olulala ku mulimo gw'edini ogukolebwayo. Kasita munajjukiranga bannafe abagenda okulwanirira Mukama wafe mu nsi eyo enzibu.

Kabaka Alberto kisoka alya yakasindikayo ebibina ebirala bisatu ng'akubiriza nyo abantu okusoma.

**Abannabikira.**

Ku lw'okusatu olwa December, lwe lunaku lwa Mutakatifu Fransisko Xaverio, abakazi abannabikira bakuba ekiragano eky'omwaka gumu, kye ky'obutukuvu ne ky'okunyikira mu mulimo ogw'okuyigiriza abana.

Mu myaka gino omukaga, mu nsi yafe mwa kasemberamu abana abakristu 8,034: abenkana obungi abakazi abaganda abo be babasomesanga. Lero mu bifo byafe byonna baweramu nga kikumi ne kisoba: mu abo Katonda mwaliroonda mpolampola abaliweza ekibina ekiyitibwa kakano ekya *bannabikira*.

*ng'etangala, nga terimu na kazzikezzike, lero kyenkana ng'oluggya obuggya.*

*Awo bw'oyingiramu, n'osanga emyeso emisengeke awo ku kisenge nga gikutte ku nsonda eruyi n'eruyi: gye gabamu enukuta zonna nga bwe zifa zenkana. Emeza kwe bagitereza, zesulikako era ng'eziwandikirwako, ziba n'eza kasiringito. Ekyakoza kityo. abalonzi abakolamu balyoke basinzire eno, balonde ziri ezikomeredde mu masa agali ku kisenge.*

*Awo nno mu myeso egyo osangamu bannakyapa nga balonda (banojjola) enukuta. buli muntu ng'alondera ekitabo kye bamuwadde; olusi kiba kya luganda. olusi lunyoro. era newakubadde oluzungu.*

*Ate omulonzi takaluhirirwa nvo kulonda enukuta, kubanga bâzitereza bulungi: ez'engeri emu, ozisanga mu ssa lyâze: era ezisinga okuletebwa mu bigambo, ze ziba ku mugguki rira (ku ndabolebo), ng'emperezi, era ne endala nga ( k ) ne (w) ne (g) ne (l) n'endala: era ezo ze zisinza n'amasa amagazi.*

*Awo olutuka, ng'addira olupapula oluwandikiddwako ebinakubibwa, ng'aluteresa bulungi mu masa ge. awo ne yekkanya buli nukuta eri ku lupapula; bw'agyetegereza, n'alonda, n'agissa mu kyuma ekigera okutusa okukomekkereza ekigambo: bw'akimalayo, n'akikawo akûma akerere kalyoke kakyawule ku kinnakyo. Era walmwo n'obûma obwawula ennyiriri. Bw'aba awubiddwa, n'ama-*

Awo nno olunaku olw'okusatu olwa December lwali lukulu e Villa mu nyumba ya San Leo, kubanga ku lunaku olwo ekibina kwe kyakakatira ddala. Abannabikira abakamalayo emyaka ebiri, bàkuba ekiragano kyabwe mu mâso g'omwepiskopi. Bàsasana ku lw'okubiri lw'edominika okugenda mu bifo byabwe.

E Nandere yagendayo bana, e Mitala Maria bana, e Narozari basatu; omulala yasigala Villa okuyamba ababikira mu mulimo gwabwe. Lero omugigi omuggya gulimu basatu abafunye ekyambalo eky'ekibina, n'âbalala 16 abakayigira.

**Rubàga, Nandere**

Twasalirwa nyo okufirwa munnafe Pere Hafner owe Nandere eyafira ku kibuga ku lwa 27 olwa November. Era mu mwezi ogwo yali alwaddelwadde. Naye kubanga yali mukalu, nga tamanyi na kwesâsira, n'amalanga gakola mulimo gwe. Omulimo ogwo gwali gwa kulimisa mimwanyi na mipira mwe tuliggya edda ebiri- tuyamba mu kuzimba ebifo ebiggya era n'okweyongera mu byonna. Ku ogwo kwe yali atadde omwoyo gwe. Naye ku lw'abiri mu etano, omulu we Pere Leveux n'amulabira abantu ab'okumutwala e Ntebe, awummuleko. Ne bamutambuza ekiro nga bamutisa omusana. Bwe bwakya enkya, ne batuka e Rubaga, munnafe ng'akoye nyo. Naye obudde bwe bwawungera omusujja ne gumukwata mungi. Omusawo Cook n'ayitibwa, n'ajja mangu. Olwaddako, era n'ajja n'amulaba ogw'okubiri. Awo bwe yalaba amâso nga galimu endulwe, n'omubiri gwonna nga gumyuse, n'atwegayirira n'ekisa okumutwala e Namirembe bamulabire kumpi. Munnafe Pere Theriault eyali awerekedde omulwadde okuvwa e Nandere, n'agenda naye. Sibalwiseyo; olunaku lwali lwa dominika, nga ku sawa ssatu ez'enkya, munnafe Pere Hafner n'afira mu mikono gya Pere Moullec.

Wayitawo ennaku mukaga, olunaku lwa Mutakatifu Fransisko ne lutuka. Tulowoza nga munnafe yalutakatifusiza mu ggulu wamu n'o-

*la aterezawo enukuta etali yawo, alina ekyuma ekiyitibwa magalo, awo enukuta eyo n'agirobayo n'ekyuma ekyo, n'asensezawo esaniddewo.*

*Naye kye twerabidde okukutegeza kikino: Nze akuwandikira wano n'omukono, gye nsokera eri ku kkono, nga nvwa ku lama emu; bwe ntuka eri ku ddyo, olunyiriri mmala nga bwe njagala; olulala ndukomya mu kkubo. So mu kyapa si bwe bakola: zonna gye zivwa waggulu ne gye zinakoma wansi; gye zivwa ku gwa ddyo, ne gye zigenda ku kkono. Era bwe zitunula zonna, oli bw'atakubulira, nti Wamma eno ye gundi, totegera, kubanga gy'oyita d, kadzi nga ye b; gy'oyita n, so nga ye u, bwe zityo.*

*Naye oluvwanyuma bwe bazivunika, olubu lwonna okulukuba ku lupapula, awo enukuta ne zifuna okulungama awasana n'okuterera mu bigambo, kwe kutegerwa obulungi.*

*Kale omulimo ogwo gwonna kye guberedde ogw'empola, mu lunaku olumu, omugezi enukuta z'alonda ziba za mpapula bbiri oba ssatu.*

*Kasita amala nalusiba, n'alukuba mu kâpa akatono, alabe oba nukuta ziteredde nga bw'ayagala. Oba tiziri nga bwe yagenderedde, ow'ekyapa n'alongosa ebigambo: oba m eri mu kifo kya n, oba j eri awagenda f.*

*Kale mwanawattu, obudde buli wala, ka tukome wano; olulala tulikutegeza bwe bakola omulimo ogwokubiri ogw'ekyapa.*

*Weraba. Fe banno H. Xaverio ne Alipo.*

---

muwolereza we; kubanga erinnya lye ye yali Xaverio. Yafa ng'awezedza emyaka 42; mu kitina kyafe ng'amazemu emyaka kkumi, mu Buganda ng'amazemu mukaga.

Oyo ye munnafe ow'ekkumi n'omukaga abakatufako mu Buganda. Edini ya Mukama wafe, bonna gye bateganira, kwe kweyongeramu. Auli okuvwa ku kufa kwa Yezu Kristu amagezi agakola abantu gali gamu, kwe kabafirira; ensi egula mirambo.

**Bukalasa.**

**Ettakatifu ely'okusalibwako enviri.**

Ku lwa 24 olwa December, mu eklezia y'Ebukalasa Monseigneur STREICHER yayingiza mu bawereza ba Katonda bannamwe babano: Ibrayimu Aloizi Mupere, owe Bumangi (SESE); Antonio Wevugira, owe Villa Maria; ne Leo Bwogo, owe Toro.

Omuntu okumuyingiza mu mulimo gwe dini akolebwako ettakatifu lye bayita Okusalibwako enviri. Awo omwepiskopi amusalako n'emakansi enviri ku mutwe waggulu, oli ng'afukamidde mu mâso ge, ng'agamba ebigambo bibino ebya munabi Daudi: Mukama, gwe mugabo ogw'obusika bwange n'ogw'ekikompe kyange: gw'olibumpa. Ate omwepiskopi amwambaza akakanzu, ng'amusabira Katonda alyoke afule n'omwoyo gw'omulondebwa we. Ettakatifu eryo si lya Sakramentu lya Ordini, wabula amasoka galyo.

Kale edda, mu nsi yonna etali ya buvwanjuba, enviri empanvu zali za buyonjo nga za bakazi bokka; era M. Paulo bw'atubulira mu baluwa ze. M. Yeronimo akomako abawereza ba dini baleme okukuza enviri zabwe ng'abaserkale era n'abannamawanga bwe bakolanga. Naye bo bwe basoka okuyingira mu mulimo gwe dini, awo empisa ng'ekwata okubasalako enviri, na buli kati ekyatudde. Awo akolebwa bwatyo ayatula kyenkana nti eby'ensi ayagala kubyesambako okwemalira Katonda yekka.

Abakristu basabirenga baganda babwe abali mu seminario, Katonda abasanyize obusaserdoti. Lero Ebukalasa waliwo abayiga 83: abakaru 11; abato 72.

# KATONDA BW'ALABIRIRA BYONNA

Olwatuka, omusajja yali tasîma mbera ye, ng'anyigira Katonda nti Katonda mmulaba ng'afukumulira abalala byonna naye nze nga tampa kantu. Lero nze nnakola ntya? Omukadde yamuwulira ng'amubûza, nti Owange, era bw'oli mwavu? Kale Katonda akummye obulamu n'amânyi?

Wewawo. obulamu nnina, era n'amânyi ag'obuvubuka nnina.

Kale nno. kkiriza nkutemeko omukono guno, nkuwe rupia lukumi

Aaa sikkiriza

Kale kkiriza nteme ogwa kkono.

Era nagwo sikkiriza

Ko omukadde. nti " Eby'omuwendo olina bibiri, ate ne wemulugunya!" oli mubi.

Era nafe bwe tutyo. Twemulugunyiza Katonda buli budde, okubera buli nsonga, newakubadde ezitalimu. Kale wulira: Omusana guyinze: enkuba eno ng'enetta emmere; ebbugumu nno kitalo: era n'ebirala bwe bityo.

Olwatuka. obudde bwali kiro, omwana n'afuluma ne nyina mu luggya. kadzi omwezi nga gubonese. Omwana n'agamba nti Nyabo. nyabo. tunula waggulu. omwezi gwa kitundu! Katonda abuliddwa agagumalayo...

---

**Ensi eziriranye Buganda.**
**Ku kkubo lya ggari eritusa epwani.**

Mu budde buno Papa yasala essaza eddala mu nsi ey'epwani : baliyita erya *Kilimandjalo*. Kilimandjalo lye ssozi eddene enyo erirengerwa ku mukono ogwa ddyo ng'ogenda e Mombasa, ennono yalyo « *Lusozi lwa mwezi*, » kubanga lubulira mu bire, era nga Gambalagala. Ensi eyo yasoma nyo. Omwepiskopi omuggya ye Mgr. Louis Munsch, ow'ekibina ekiyitibwa ekya Mwoyo-Mutakatifu.

Abasaserdoti ab'ekibina ekyo abayigiriza mu Afrika bangi nyo, bawera nga ebikumi bina ne basoba.

Mpodzi abakristu ab'eno tibamanyi ng'ekibina kyabwe kyagunjulwa omusaserdoti omutakatifu erinnya lye ye *Pere Libermann*. Yali muyawudi, kitawe nga rabbi, ye muyigiriza omuyawudi; yakyuka ng'awezedza emyaka abiri mu gumu, awo n'ayingira mu busaserdoti. Ekibina eky'okusomesa ab'ensi eyo, yakireta mu mwaka 1842. Yafira mu kibuga kya Bafransa, ku lwokubiri olwa February, mu mwaka ogwo 1852, Suna ng'ali ku Buganda, era ng'ali kumpi okufa. Mu mwezi June, mu mwaka guno (1910), Papa Pio X yalanga nti Pere Libermann yanyikira bulala mu mpisa ez'edini. Kwe tusinzira okugamba nti talirwa kutukuzibwa. Ekigambo ekyo kiriba kya ssanyu mu basaserdoti bonna, era ne ku bakristu bonna abali mu nsi muno, kubanga fenna Pere Libermann ye yatuwagulira ekkubo.

Wewawo nafe bwe tutyo, ne bwe tubera abantu abakuru, era mu kulowoza tuba ng'abato: emyezi mingi mu nsi gye tuvunana obutatukirira.

Olugero lw'ekizungu luluno:

## EMPAFU N'ENJE

Olwatuka ne ndaba Mugongo gwa mbwa, yali awo ng'atudde ku lubibiro, nga yekkanya, kadzi wujju nga gw'akebera.

Naye wujju oyo yali munene nyo, nga munene okukira wujju yenna. Mugongo gwa mbwa ne yewunya nyo okulaba nga wujju eyenkana awo yagejjera ku kalyo akanafu. Olaba obunafu bwako sibwenkanika, anti kalandira awo ku ttaka, nga sikalina gesimba.

Awo nno Mugongo gwa mbwa ne yegamba, nti Lero Lugaba kasoka agereka bintu, kiho kyamulemesa. Kale eriwujju lino ekyalimubazisa ku kalyo kano, kiki? Anti mbera nze nandiribazidza ku muwafu guli: kwe lyandisanye, ekibala n'omuti ne batukana.

Lugaba obwakkalikiro abera kubuwa nze, n'amala ampa entebe mu lukiko lwe, ekyo nandikimutegezedza bwe ntyo. Era empafu eno eyenkana ng'olunwe lwange, ye yandisanidde okubala ku kalyo kano; abera kukola atyo, yanditusidza, naye lero Sebintu yawubwa nyo; ne bw'ombulira nti tiyawubwa era nganiddewo.

Awo Mugongo ng'asoberwa atyo. Naye bwe yayongera okwetegereza, era nga n'omutwe gumubobba. Olw'okusoberwa ekyo, otulo ne tumukwata, n'agamba nti «Abafe bwe nebakako?»

---

**Roma**

Ekigambo ekikuru ekiri Roma kya kutukuza PIO IX. Ekyo bwe kiliba kituse mpodzi, kiriba kya ssaagu ne mu Buganda. Omukuru eyagunjula ekibina kyafe, Kardinale LAVIGERIE, ye yatwagaliza ensi eno okugisomesezamu edini ya Mukama wafe. Awo PIO IX gwe yasaba okutuluma; baluwa ye n'etuka ku Papa oyo ku lwa 6 olwa January mu mwaka 1878. Papa n'afuna, ebigambo ne biteseb wa ne biggwa mu lukiko, ku lwa 4 olwa February. Naye PIO n'afa nga tannaba kussako mukono ku kiwandiko. Lero LEO XIII ye yamaliriza, nga yakamala ennaku nya zokka okulya.

So PIO IX ye jjajjabwe omuberyeberye wa Buganda. Ennaku PIO IX ze yalaba tizitendeka, talabwangako n'ekisa. Kale, tusabe Katonda, ob'ayagala okugulumiza omuwereza we, omusika we ow'okubiri PIO IX akitegere akitubulire.

**AMAWULIRE** — **Buganda.**

Amagombolola agagabiddwa nga 12 Dec.

| | | |
|---|---|---|
| Ery'Ekikera | lyalibwa | Elizeo Jumba. |
| Ery'Essango | » | Dezire Wamala. |
| Erya Kawungu | » | Simoni Kagenda. |
| Erya Kyanku | » | Ambrozi. |
| Erya Miyingo | » | Ezekia. |
| Erya Sebugulu | » | Zefirini. |

**Musisi.**

Simanyi oba mwawulira Musisi ku lwe 13 olwa December, ku sawa 8? Kale nno ensi ya pwani nga teri kumpi, anti okutukayo ng'otambuzidza ebigere, omala emyezi ebiri; mu magari omala ennaku bbiri naye nga togayadde, lero ogenze mbiro. Awo ku sawa 8 n'ekitundu musisi ng'atuse epwani. Ekirala, Ebulaya mumanyiwo nga wala; anti okutuka mu Bungereza mwezi, ng'oddukanye era. Kale ku lwe 14, musisi abayo bagiwulira. Nsigalidde okubatendera olumu. Ku lwe 16 lwe lwatubulirira nga musisi yali awufikise mu Bulaya. Ee! *Bikira engoma.*

Awo n'alaba mu kasikirize k'omuwafu, n'agalamira bugazi, n'afuluta.

Naye yali ali awo nga yebase, empafu n'eñogoka ku muwafu, ne yekkata ku nyindo.

Ko ye, nti « Owa! obadde olya ankuba? » Bwe yamagamaga, nga talaba muntu amukubye. Bwe yakwata ku nyindo, ng'alaba ejja musayi. Ne yebûza nti « Abafe guvudde wa? » Awo ne yekwatakwata; naye yagenda okulaba, ng'empafu ekwatidde ku kirevu. Ko ye nti « Bwe kityo! Kakano nno kye njije ntegere. Singa abadde wujju ono, singa nafudde dda. Wewawo Katonda buli ky'akola kirina amagezi gakyo: kye kyamugana okuwanika wujju ku muwafu waggulu; lero nkirabye. » Awo n'addayo eka ng'atenda.

**Eggari**

Ku lwa 24 olwa November H. E. M. Stanley Tomkins yagenda e Jjinja okussako *rail* emberyeberye (kye kyuma amagari kwe gagendera) ey'amagari agaliwa e JJINJA okutuka ku Kyoga. Abantu bali bakunganye bangi nga 4000, obutabala bapakasi 3000 abali ku mulimo ogwo. Ekkubo lyonna amagari gye ganayitanga lyaggwa dda okugera. Lero bakakola *miles* (mayilo) ttano. Balowoza okumala ku Noeli 1911

**Rwanda**

Omwezi December nga gwakamala ennaku 27 Emasaka wavitawo esafari y'Omuberigi: ye mubaka okumala ensonga eziri ku nsalo zabwe Erwanda ku nyanja Kivu. Balisisinkanirayo n'omubaka owa Badaki n'owa Bangereza. Lero ensonga za kuggwa mangu

*Omwezi ogujja tulibanyumizako ebya Malakalifu INYASI (1 February).*

## SEKANYOLYA

**Bungereza**

Bagamba nti Kabaka *GEORGES* alitikkirwa omuge ogw'Obwakabaka mu mwezi Juse, ate nga Kabaka CHWA aligendayo. Abalala bagamba nti omwaka guli; mu mwezi January, Kabaka Georges alitikkirwa n'omuge ogw'obwakabaka obw'Abayindi mu kibuga kyabwe Delhi.

**Budaki**

Omwezi guno omulangira ow'*Ebudaki* yali akyadde: yatuka ne Bombay mu Buyindi. Kyajje avweyo.

**Bufransa**

Omwaka guno mubi nyo mu Bulaya. Mu *Bufransa* enkuba etonnye nyingi nyo kitalo, emigga gijjude; era Gavuma yagaba obukadde bwa rupia buna okujuna abantu.

**Buitalia**

Mu nsi ya *Napoli mu Italia*, kibuyaga yaleta ekikuno ku lubalama olw'enyanja. Papa n'aryoka awerezayo rupia 3000 okuyamba abatakyalina kisulo.

TUBABULIDDE: — Buli awali ekifo eky'ewafe, omukuru ow'ekifo ye agaba ebitabo bya MUNNO, fe ne tulabiwereza mu POST (*POSTA*). **MUNNO** ye mubulizi ow'abakristu bafe, bonna nga baliko ekifo kyabwe kye bamanyidde okusomeramu. Naye awatali kifo ky'ewafe, nga mu Kyagwe, mu Busoga, ne mu Budaki, era ne walala wonna, awo tuwereza **MUNNO** mu POST, omuwendo gw'agula nga gwongeddwako CENTS 50.

Omuwendo gwe gusoka okuwebwa, Rs. 1. 50, **MUNNO** n'awerezebwayo.

*Published by* J. L. GORJU — *Office of* MUNNO
White Fathers' Printing Press BUKALASA near Masaka, (Uganda.)